
# *27. AYI MUKAMA OMWOYO GWANGE*

**Fr James Kabuye**




2. Amatu agago gawulirize leero,
   Eddoboozi ery'okuwanjaga kwange.
3. Oba kujjukira bibi bulijjo ayi Mukama,
   Ayi Mukama singa ani aliwo?.
4. Naye ewuwo y'eri ekisonyiwo eky'ebibi byonna,
   Basobole okukuweereza n'ekitiibwa kyonna.
5. Nsuubira mu Mukama omuyambi wange,.
   Omwoyo gwange gusuubira mu Kigambo kyo.
6. Omwoyo gwange gulindirira Omukama omuyambi wange,
   N'okukira abakuumi bwe balindirira mmambya ajja.
7. Okukira abakuumi bwe balindirira mmambya avaayo ati,
   Israeli bw'alindirira Omukama Katonda.
8. Ye nnyini y'alinunula Israeli mu bibi bye byonna,
   Omukama oyo Katonda we.